6. Akamogo ku mulungi tekabulawo,
Eyateekawo amaduuka yatukamala,
Anti amaduuka bannyinigo baagafeeteka,
Mu mbiriizi n'emanju mu bunyomero.........

7. Akutwala mu ttumbi bumala kukya,
Bw'olaba ennyumba ng'olyoka okumwebaza,
Twali twagala Bulange ezimbwe bwe yali,
Kwali kwesubya muwula kwe kulya amagi......

Kasita Abafuzi abaddawo baakizuula nga kizibu Omuganda okwerabira Obwakabaka bwabwe, olwo nga nabo beefunyirira okusanyaawo Buganda. Baddugavu bannaffe bano bwe baasikira Omuzungu, ne batwala gavumenti eyawakati, baakwatira ddala obuwufu bwe bumu. Teyali Buganda yokka, eyali ey'okusanyaawo. N'ebitundu ebirala ebyalina entegeka ezeefananyirizaako eza Buganda, nabyo byalina okusaanyizibawo, bireme kujjukiza Baganda nfuga yaabwe gye baali bettanira. Nga tebaagala kufuna muntu yenna k'abeere mufuzi wa nsikirano, okubeera n'obuyinza mu kitundu kye. Nga baagala obuyinza bwonna, n'ebyobugagga byonna, nga be babirinako obuyinza obw'enkomeredde.

Omufuzi omulonde olutuula ku ntebe, ng'aggyawo Obuwangwa n'entegeka za bantu ez'obuzaaliranwa. Entegeka eno tekkiriza muntu kwerabira kika kye mw'asibuka. Kino kye kimufuula Omuganda. Ate Omuganda tawagira kiggyawo Kabaka, kubanga kye kitikkiro ky'Ennono n'Obuwangwa bwe.

Omufuzi omulonde abeera alina kwekwata Kabaka okusobola okufuga Abaganda. Awo wokka omufuzi oyo w'asobola okuggya omukwano ku Baganda n'okumuwa ekitiibwa. Abafuzi bano abalonde bwe baalemwa okufuna ekitiibwa ekyenkana ekya Kabaka, nga bakwatibwa obuggya, nga basalawo kuggyawo Kabaka na Buganda. Olwo baba beegasse ku Bazungu bakama baabwe ababatendeka mu kusaanyaawo Buganda. Baamanya nti ng'onoonafuya abafuzi ab'ensikirano mu Yuganda, olina kusookera ku Buganda n'ogiggyawo.

Eyo bw'ogisirisa, ng'olwo bonna tewakyali asobola kuleetera Pulezidenti mutawaana gwonna.



Nga baggyawo Buganda, baafuna abantu abaali bamanyi nti entegeka y'Obufuzi mu Buganda, okuva ku byalo, miruka, magombolola, masaza, okutuukira ddala e Mmengo, mwe muyita obuyinza bwa Kabaka. Beeerabira nti obuyinza obwo, bwe bumu obuyingira mu Bika by'Abaganda. Ekintu ekinyweza Obuganda ne butasagaasagana. Olwo okuggyawo Obuganda, nga balina kusooka kuggyawo Mmengo nga baggyawo amannya gebifo byaffe. Ng'ekigendererwa kutta kigambo Buganda.Baasookera ku kuggyawo East ne West Mmengo Disitirikiti. Central Buganda ne Mubende tezaalutonda. Okumanya nga kyakolebwa kuggyawo Buganda, amannya g'ebitundu ebirala baagalekawo. Twalwawo nga tukyawulira East Acholi, West Acholi, West Nile, ne Disitirikiti ez'ebitundu ebirala nnyingi zaalwawo.

Wano mu Buganda baasookera ku kuggyawo kigambo Buganda. Buganda baagikutulamu Disitirikiti:- East Mmengo ne West Mmengo ne Central. Bwe baamanya nga Mmengo ye Buganda, ne Mmengo ne bakitta, ne baakyusa amannya g'amasaza. Agaali amasaza baagafuula zi Disitulikiti. Disitulikiti zino, zaatuumibwa mannya ga bibuga ebikulu ebisangibwa mu masaza gano. Olwo Buganda n'amasaza gaayo ne biwanduukululwa mu bitabo bya Uganda, nga temuli kigambo Buganda ne Mmengo, ne ebitebe byonna ne biwambibwa. Amannya g'Abafuzi ba Buganda nago ne bagatta, nga tokyawulira Kkangaawo, Kaggo, Ssekiboobo, Ppookino n'amalala. Abeemiruka baggyibwako ne batumayo abantu baabwe basomese abatuuze baffe balekere awo okukkiririza mu bufuzi bw'Obwakabaka, nga bagamba nti butunyunyuunta, butulimisa enguudo ku bwereere, ate nga mbu tuwa emisolo. Kino baasooka kukikola mu Buganda, n'oluvannyuma ne bakikola mu Yuganda yonna, ffenna tufaanane.

Kati wetwogerera entegeka y'obufuzi kye kimu wonna mu Yuganda awatali kubalirira nti ekifo kino kirina obufuzi obw'ekizaaliranwa oba nedda, nti era abantu baamu bakyabwagala eyo gye buli oba nedda. Baagenda bugenzi mu maaso na kuggyawo bufuzi obwo, na kuteekawo nkola ebalemeza mu buyinza. Buli mufuzi ajja, atondawo Disitirikiti zize, nga tagoberera butonde bwa nsi, wadde abantu ab'omu kitundu ekyo. Amagezi ago gonna gaali ga kwenyweza ku bufuzi bwa Yuganda nga tewali mufuzi mulala yenna, wadde Owensikirano asobgola kugamba ku mufuzi abeerako. Baasooka kubaggyako buyinza ne babalekera ekitiibwa. Baagenda okulaba nga n'ekitiibwa ekiweebwa abafuzi abo kisusse obw'Omulamuzi, nakyo ne basala amagezi okukibaggyako, ne basigala ng'abantu aba bulijjo. Eyo y'ensonga lwaki buli mufuzi addawo tasobola kuleetawo nfuga abantu gye bettanira ennyo eya FEDERO kubanga

ejja kuzzaawo obuyinza n'ekitiibwa ky'abafuzi abensikirano. Okubaggyako ekitiibwa baali balina kumala kubaggyako bitundu bya bwe mwe babaagala ennyo, bwe Bwakabaka bwonna mu Yuganda. Baasookera ku kuggyawo Bwakabaka bwa Buganda. Ebigambo Mmengo, Buganda, Masaza n'Emiruka bye bazze baggyawo. Baatondawo enfuga mu bitundu bo ng'abafuzi abalonde oba abeetaddewo, mwe baganyulwa era mwe balina obuyinza obutagambwako. Ne mu bitundu omutaali nfuga ya Masaza, Magombolola, Miruka n'Abatongole baabitwalayo. Obutongole bw'ekyalo ne bufuuka LC I. Omuluka ne gufuuka PARISH. Kati Obutongole twabubazaamu emirundi etaano okumalayo obufuzi bwa Yuganda yonna. Anti kati buva ku LCI okutuuka ku LCV. Bwe weetegereza, osanga ng'abafuzi baffe bonna ab'omulembe guno, ka babeere ba bibiina oba nedda, bonna banywa ekika ky'omwenge kimu ne kibatamiiza mu ngeri y'emu. Baawula magiraasi mwe banywera. Bwolaba ow'emyufu n'omutya, ate ow'e yakiragala n'omwagala. Naye nga bonna bwe gubakwata, ebikolwa byabwe bye bimu. Bya kukyawa na kuziyiza enfuga yaffe ey'obuzaaliranwa, ne bakoppa eyabagwira, n'okusaanyawo Buganda. Bonna abafuzi baffe kababeere Baganda abamu oba si Baganda, bonna Buganda bagiraba nga nkonge mu kkubo lyabwe oly'okweddiza buli kalungi ke tulina. Ebagaana okufuga abantu obumbula ng'awatali bufuzi bwava wa Katonda.

N'olwekyo buli atuula ku ntebe n'afuna obuyinza, afuba nnyo okulaba nga enfuga yaffe eyo eyobuzaaliranwa bagidibya. Olwo nga Buganda ebawunyira Zziizi, era kye balina okukola, kwe kuggyawo Buganda n'obufuzi bwayo. Eky'okuggyawo Buganda, baasookera kukuggyawo Kabaka n'obufuzi bwe okuva ku Katikkiro okutuukira ddala ku Miruka. Agaali amasaza ne bagagatta ne bakola zi Disitulikiti, ate ne balondayo ekibuga kimu mu masaz ago ne balifuula erinnya lya Disitulikiti tuleme kuddayo kwogera mannya gatujjukiza Bwakabaka. Olwo eyali Buganda n'ekutulwakutulwamu Disitulikiti ezikyusibwa okusinziira ku buli mufuzi addako. Kati Buganda n'esigala nga ekutuddwaamu bwe biti:-



| ESSAZA | EKIBUGA | DISITIRIKITI | AMASAZA AGAAGATTIBWA |
|---|---|---|---|
| Kyaddondo | Kampala | Kampala | Kyaddondo baagikutulamu, Mmengo ne bakitta. |
| Kyaggwe | Mukono | Mukono | Bugerere, Buvuma, Kyaggwe |
| Bulemeezi | Luweero | Luweero | - |
| Buluuli | Nakasongola | Nakasongola | - |
| Buddu | Masaka | Masaka | - |
| Mawogola | Sembabule | Sembabule | - |
| Kkooki | Lakaayi | Lakaayi | Kkooki, Kabula |
| Mawokota | Mpigi | Mpigi | Busiro, Kyaddondo, Butambala, Ggomba, Mawokota |
| Ssingo | Mubende | Mubende | Busujju, Buweekula,Ssingo |
| Ssese | Kalangala | Kalangala | - |

Mu kuggyawo Buganda, baagenderera kuzimba Yuganda eyawamu, nga bafuba okutugamba nti buli muntu yeerabire ekitundu gy'asibuka. Ng'olina kweyita Munnayuganda so si Muganda, Munyolo, Mutoolo, Mukyoli wadde Musoga. Kye baava balonda abakulu ba Disitirikiti zino abatazaalibwa mu zo. Kino kikyagaanyi, anti abantu bakyajjukira gye baava, era kyebava batuuma amannya g'abaana baabwe nga basinziira ku bitundu gye bava. Ffenna twetaaga ekibbo ekigumu ekirimu entobo eŋŋumu. Obwakabaka obw'ennono y'entobo, ate ebika gy'emigo. Tulina okumanya nti emigo gy'ekibbo gigenda gye kwata ku ginaagyo nga giva wansi mu kibbo. Emigo tegitabaala ntobo, so nga n'entobo tetabaala migo, okuggyako okugikwatagana byonna ne binyweera. Ne Yuganda ya leero bwe yandibadde.

Ekyakabi enkola yaabwe yagaana okuzimba Yuganda gye baagala, kubanga buli kintu baakinyagisa maanyi. Ate bwe baali bakikola, beerabira nti Buganda gye baatabaala, y'entobo y'ekibbo ekiyitibwa Yuganda. Ekibbo bwe kivaamu entobo, kifuuka Lubbobbo. Ate n'okuwera ebibiina byobufuzi, nga Abaganda abamu baagala kuyita mu byo okuzzaawo Buganda, kubeera kulagira kubiremezaawo. Ate n'okubiggyawo olw'okubanga byattiŋŋanyanga abantu, tekiba kya bwenkanya, olw'ensonga nti ebibiina byobufuzi tebyatuuka ku ddiini mu kuttiŋŋanya abantu n'obukyayi obwaliwo

olw'eddiini. Ate ng'okuziwera, abantu bakugamba nti ekyo kikafuuwe.
Ebibiina byobufuzi bwe byajja, birabika byasimba amakanda era birina abantu ababyagala okubifiirako. Wano we bisaanira okusooka okukolerwa ekisaawe mwe binaazannyiranga okufaanana ng'omupiira ogulina amateeka. Bwe gufuluma ekisaawe, basooka kuguyimiriza ne baguzza mu kisaawe, ne gulyoka gugenda mu maaso. Ekisaawe, ebibiina by'obufuzi mwe binaazannyiranga, kiyitibwa FEDERO. Ebibiina nga birina kugoberera amateeka n'obulombolombo obufuga ekitundu ekyo ebibiina mwe biba bizannyira. Bigwana okussa ekitiibwa mu bintu abantu abasangibwa mu kitundu ekyo, bye baagala era bye bakkiririzaamu.

Kizibu Abaganda nga bali mu Buganda okweyita "Akawanga" (Tribe). Bo beeyita Ggwanga (Nation). Kubanga Obuwanga bungi bwegatta, oluuusi mu kweyagalira, olusi mu kukakibwa n'okutya, ne bukola Buganda. Okugeza: Abasese, Abavuma, Abakoome, Abagwe, Abakooki, Abaziba, Abaluuli n'abalala. N'ensi z'ebweru nazo bwezityo bwe zaatandika era bwe zaagaziwa. Abakugu ne batugamba nti eggwanga (Nation) liteekwa okubeera na bino:-

1. Olulimi-language
2. Obuwangwa-tradition
3. Obufuzi- government
4. Ebyafaayo-history
5. Obutale n'ensimbi- markets and common currency
6. Ensi(obutaka n'ensalo)- territory with bouderies

Ebyo byonna Buganda ebirina. Uganda yalina PWD=Public Works Department; Abaganda gye baayitanga Pakasa Weefunire Ddembe. Eno ye yakolanga emirimu gya gavumenti; ate nga Buganda erina PLI= Public Luwalo Inspector eyazimba Amagombolola n'Amasaza ku pulaani emu. Bwe baggyawo Buganda, PLI baagifuula Army Shoap. Kyokka Buganda obutakutulakutula Uganda kugitta, ate nga ye yagiteekawo ng'eyambibwako Omuzungu, kyeva esaba FEDERO eya Uganda yonna, olwo kibeere nga tewali kitundu kinyaga oba kitulugunya kinnaakyo okuggyako okuyambagana, n'okuwaŋŋana ekitiibwa.



**OKULONDA OMUFUZI AWATALI BIBIINA BYA BUFUZI**

Obufuzi mu Buganda wonna, okuva mu nju, okutuuka ku Kabaka, okusinga bwonna bwa nsikirano. Naye nga wadde kiri bwe kityo, abafuzi baffe baabalondanga n'obwegendereza. Baamalanga kwetegereza ng'ekigendererwa mu kusikiza, omuntu asika anaakituukiriza. Waaliwo enkola ey'okulonda omukulu mu lulyo lwonna nga bwe lwajja lutambula. Kyova olaba nga Wampamba teyali Kabaka, kyokka yazaala Kabaka Kayima. N'Omulangira Musanje owa Ndawula, naye teyali Kabaka, kyokka yasobola okuzaala bakabaka basatu balamba nga be bano; Mwanga I, Namugala ne Kyabaggu. Ne Ggolooba yali Mulangira eyazaala bakabaka basatu.

Mu bika byaffe nabyo, bwe bityo mulimu ennonda, ng'abakulu balonda mu baana b'omugenzi, oba mu baganda b'omugenzi, oba mu baana baabwe oba mu bazzukulu baabwe. Buli aba alondebbwa kasita aba ng'asobola okulambika obuzaale bwe bulungi mu lulyo lwe nga waliwo n'obukakafu nti mwana nzaalwa wa mu lulyo omwo, ng'asobola okulondebwa okukulembera olunyiriri lwe, omutuba gwe, essiga lye oba eyo waggulu ku kasolya. Kya kusaalirwa Abataka kati beekutulamu ng'abamu bagoba bintu byabwe ku bwabwe. Mulimu abakkiririza mu Buganda, abandi mu Yuganda, n'abalala mu byombi. Batono abalowooza ku bazzukulu ba Buganda we balibeera mu biseera eby'omu maaso. Ekivuddemu abantu kwe kukuza abaana nga babagamba nti sikirungi kumanya ensibuko yo, olwo osobole okugenda wonna nga tolowooza ku nsalo Katonda ze yateekawo. Olwo osobole okwesimbawo ofuge ebitundu byonna okusinga akatundu obutundu mw'osibuka.

Twaleka enkola yaffe ey'Obuwangwa Kabaka okwerondera e Bitongole n'Abakungu ne tutandika okukoppa enkola ey'ebunaayira mbu ye "Democras". Emyalo n'obutale Kabaka yalonderangamu Bassentala ne babeera abakozi mu Bitongole omwo abasobola okugobwa nga basobezza ku mirimu, ne tutandika okugaba "Tender" eri oyo asinze okugigula. Abo be banyuunyuunsi abatabalirira bantu bakolera mu bifo ebyo, bo bafuba kuggyamu magoba amasuffu mu sente ze baaguza "Tender". Be basinga okufuna mu butale n'emyalo okusinga nnyini nsi abaguza "Tender". Ate bo tebagobwa okutuusa nga ebbanga eriri mu ndagaano liweddeyo.

Abaganda baagala ensi yonna ekimanye nti okwagala, obuwulize, obwesige bye balina

mu Bwakabaka ne mu Bika byabwe tebisobola kukyuka ka gabe mataba, kibuyaga, nnyanja, ddungu, biwonvu wadde ensozi. Tusaana tulekerwe obuzaale, n'obutonde bwaffe tutambule, tweramule ngaKatonda bwe yatutegekera. Ekyo kirireeta emirembe nga buli kitundu, buli Ggwanga, buli nsi ekola nga Katonda bwe yagitonda, oluvannyuma tukolagane, tuyambagane nga tussaŋŋanamu ekitiibwa. Nga tewali Ggwanga liwaliriza ddala okusuula obuwangwa bwalyo liwambwe eddala.

## OKUZZAAWO BUGANDA GYE TWASUBWA

Tulina okujjukira nti Omuzungu bwe yajja kuno, yasanga ensi Buganda eteredde era eyefuga obulungi ennyo. Olw'okwagala okwezza ensi eno, Abazungu baakola endagaano ne Buganda ezookumukumu ate nga tebamenyawo zaasooka kukolebwa. Kaputaani Lugadi ye yakola endagaano eyasooka wano ne Mwanga eyo mu Apuli 1891. Yali yannyingo 12. Ate nga 27. Maayi 1893 Sir Gerald Herbert Portal era naye ne Mwanga n'akola endagaano endala nga ya nnyingo 17. Okwo kwaddako Jonisitoni eyakola endagaano eya 1900. Oumuzungu eyayitibwanga Bwana Jakisone nga 9 Julaayi 1995, yakola amateeka g'e Buganda 18. Ezo z'endagaano okutambulidde Buganda nga eno bw'eyambako Abazungu okuwangula n'okufuga ebitundu ebirala ebitwetoloodde, okutuusa luno jjo ly'abalamu mu 1962 lwe baatondawo eggwanga Uganda era ne bakola ne Ssemateeka kwe linaatambulira. Awo Buganda we yakoma okumanyibwa nti nsi eyetongodde.

Era tulina okumanya nti Abaganda be basinga okukyawa okuwasa n'okufumbirwa. Be bamu abasinze okukyawa okuzaala, mbu byonna bibamalako emirembe, bibatawaanya. Mbu kirungi omuntu abeere yekka afune obulamu obweyagaza. Awo nno babeera beerabidde olugero lwaffe olugamba nti, "emiti emito, gye giggumiza ekibira". So nga bambi bakadde baabwe nabo baakola batyo, nabo tebaalibaddewo kweyagala. Ate bw'ova awo nga bakugamba mbu bakkiriza era baagala nnyo Katonda, so nga ebitabo bye basoma bibalagira kuwasa, kufumbirwa na kuzaala baale!. Ekyakabi ekirala, be bamu abatunda ettaka nga bwe baagala, nga bwe tunaalaba eyo mu maaso. Bo nga bannaffe abaatusenga, bo baagala okuzaala n'okuleeta baganda baabwe baale, basobole okunyweeza obusenze. Kati nno bw'ogatta okugaba ettaka nga bannannyiniryo tebazzala, balirekera abazaala, n'okutunda, ebyo byombi Buganda bigenda kugifuula ebeere nga Roma. Buganda egenda kusigalawo, Abaganda baggweemu, oluvannyuma ekyusibwe erinnya. Anti omuntu olufa nga talese mwana oba muganda we, eyagula oba



amuliraanye ng'ebiggya abisendawo.

Okwekubagiza n'okukkiriza nti Obuganda bwaggwaawo, olwaleero tekitugasa. Okudda awo okugamba nti edda twaliwo era twali baamaanyi, nakyo tekitutwala mu maaso. Tuve mu kuwoza nti "Ekifundikwa kirinsabira" (anti mukimanyi nti "Talya bwami" ). Tuteekwa kufungiza awatali kwesaasira tukole ng'abaddu, tulekere awo okukwataganirwa obuggya era tutegeere nti ettaka lyaffe bajja kulimalawo. Olwonno lwe tunaasobola okuzzaawo Buganda amakula, nga tulina we tusinziira ng'ensi tebanagimalawo. Tulinakusooka kuzzaawo Nnono yaffe mu Bwakabaka, nga bwe yali ku luberyeberye. Kino bwe kiba nga kye kiruubirirwa kya buli Muganda, tulina kumala kutegeera ba jjajjaffe bwe baali bafaanana, engeri gye baakuzibwamu, okumanya n'okwagala bye baalina eri ensi gye baatutegekera. Olwo omuntu asobola okuzzaawo ekintu ky'amanyi nga bwe kyali kifaanana. Ate ffe abazaalibwa ba leero, ffe tulina okugizzaawo, so si abanaazaalibwa enkya.

Bajjajjaffe baali bayiiya mu mirimu ne mu lulimi lwabwe, nga baakisa, bakozi, beesigwa, balumirwagana era nga bakolagana bulungi. Baalumirwanga bazzukulu baabwe engeri gye balibeeramu mu nsi yaabwe eno. Tebeerowoozangako bokka nga abaleero abagamba nti: "Abaana balikola ebyabwe". Baamanya era baayagala nnyo obufuzi bwabwe obuzaaliranwa, era nga ba bwenyumirizaamu. Nga bamanyi nti Katonda ye yabututondera, awamu n'ensi eno ng'erimu byonna ebirimu. Ye yayawula buli nsi okuva ku ginnaayo awamu n'ebintu n'abantu abasangibwamu. Buli muntu ng'assa mu munne ekitiibwa okusinziira ku bukulu bwe mu myaka, ne ku ddaala ly'abeeramu mu kika ne mu bufuzi. Ssemateeka wa Buganda nga bamumanyi era nga bamugoberera wadde nga teyali muwandiike. Baakolagananga bulungi ku miriraano nga baagala abaana n'ebisolo byabwe biremenga kufuna kizibu nga bibadde bigenze ku muliraano. Baalinanga ensonyi n'obuntubulamuebyabafuganganebatasobolakukolakintukiswazamuntu,kiswazamaka ge,kiswazakikakye, n'okuswazaObuganda. Oling'owulira akugambanti:"Banaawulira batya?Banandababatya?Omwanaw'omuntuasobolaokukolabwatyo?".

Bwe tumala okulaba aba atusooka nga bwe baali bafaanana, olwo nga tutandika okutunula mu bintu bino wammanga. Ffenna tusitukiremu tutandike okukola, ng'ekiruubirirwa kwe kuzzaawo obuzira, okwagala, n'obuwulize bw'Abaganda abatusooka. Ekiseera kituuse okukolera awamu mu bika n'obwesigwa, nga bwe twalina edda, omutali njawukana za diini. Buli muzzukulu ng'akolagana ne munne. Anti Nnaasiwa mu kange, asiwa mu ka bukuku. Singa tuva wansi eyo nga twekozeemu ebibiina ebisobola

okutegeka emirimu egikulaakulanya ekika, ebiwola "bammemba" ensimbi, nga bammemba balina enkizo ku bantu abalala ng'empaayiro oba amagoba agazzibwa maawufu okuva ku g'abantu abalala ababa beewoze. Olwo abazzukulu tubeera tubafunidde emirimu, ekintu ekijja okubaagazisa ebika, Buganda yonna n'esobola okukulira awamu era n'okwagalana nakwo bwe kutyo. Anti abooluganda baagalana bonna bagagga. Ekika ekitayamba bantu baakyo, nabo bakyesamba. Bakyewala nga balowooza nti buli lwe bagenda mu kika, baba bagenda kubasaba nsimbi. Ekivaamu, n'abakulu nga balemererwa okukuuma ebintu by'ekika, nga babitunda, nga bawoza nti ekika kimpa ki?. Oba nga balinda, omuzzukulu afe, balyoke basobole okuyingiza ku kantu mu nsawo, ng'abazzukulu baleese ennyimbe. Kya nnaku omuntu okufiirwa, ate mu kifo ky'okumuwa amabugo, ne tumuliika omusimbi. Kasita ekika kibulwa ensawo ekola ku bintu by'ekika, ng'olwo ensobi zituuse okulabika.

Obuteegatta nakyo kirobera okukulaakulanya ebika awamu ne Buganda. Anti baalugera dda nti "Agali awamu". Abooluganda bwe bakolagana, bawa abaana baabwe eky'okulabirako. Ekyo ne kiyamba enkola yaabwe gye balina okugenda mu maaso. Okwegatta kuwewula ensonga, kubanga bwe wabeerawo obuzibu, bukolebwako mu bwangu nga mukwatira wamu. Bwe kiba kyetaagisa mugagga, kiba kyangu kasita tewabeerawo kukuumiira nti bannaffe baagaggawala, baliba balabaki?. Bwe kiba kyetaagisa muntu wa bulijjo wadde nga mwavu lunkupe, omunkuseere, naye asobola okukimalawo, kubanga ekyo akikola ng'ayagala. Kasita tewabeerawo kwekubagiza nti bannaffe bwe baagaggawala oba nti bwe baasoma, olwo balowooza nti ffe tetulina mugasso. Okwewulira ne tutasembeza bannaffe, oba okwesulubabba abatusingako, tubeera twerabidde ensonga enkulu nti Katonda y'asalawo okusitula oyo gw'abeera alonze mu banne. Era n'oyo eyasitulwa asaana akimanye nti Mukama yamuteresa buteresa by'alina, asobole okuyamba abalala. N'olwekyo si kituufu okusosola oba okwewala bannafe. Twagalanenga, tuyambaganenga, tulumirwaganenga. Eryo ly'ekkubo mwe tunaayita okukulaakulanya ebika byaffe n'ensi yaffe. Tujjukire nti okwegatta geemaanyi, era Agali awamu, ge galuma ennyama. Ate nga bw'otawalana muliraanwa olw'okuba nga yeddira omuziro ogutali gugwo, bwekityo era tosaana kumuwalana kubanga asoma eddiini yanjawulo. Anti ffena twakula kyekimu okuva ku mutwe okutuuka ku bigere. Omusaayi gufaanana. Omubiri gukola kyekimu, twawula ndowooza.

Ebika bikoze omulimu munene nnyo okukuuma abaana n'abazzulu nga bali bumu. Kasita oli awulira nti oli wa muziro gwe, nga mwegatta, nga mufuuka wa luganda. Abazungu



n'abafuzi abaasomesebwa abagwira, bafubye nnyo okutwawula nga baagala batugatte wamu kitole nga Bannayuganda twerabire ebitundu mwe tusibuka. Baafuba nnyo okuyita mu diini, nga tusomesebwa nti buli wa diini yo y'abeera muganda wo okusinga ow'omusaayi gwo. Kino ebika bikirwanyisizza nnyo, anti buli lwe tutuula mu nkiiko z'ebika, nga twerabira enjawukana zaffe mu diini, mu byenfuna ne mu byobufuzi bw'ebibiina.

Buli kika kituula ne kiteesa ensonga zaakyo ng'abazzukulu beerabidde enjawukana ezo. Omulimu omukulu ogufaanana bwe gutyo kitusaanidde tugwongeremu amaanyi nga tukulaakulanya ebika byaffe, tusobole okuzzaawo Buganda gye twasubwa olw'okuyingirirwa empisa, eŋŋomoo, obulombolombo n'enneeyisa ebigwira, ebigenda bituyingirira buli olukedde [illegible]genda bisaabulula obuwangwa bwaffe. Kati kye kiseera e Kitongole ky'ebyenjigiriza kisolooze sente emitwalo ebiri okuva ku buli muntu aweza emyaka 18 buli mwaka, nga za baana ba Buganda okusoma. Buli aziwaayo afuna fayiro mw'awandiika abaana be b'alina oba b'alizaala n'essomero gye bali, olwo basome nga gavumenti esasula. N'atalina mwna asasule, kubanga omuntu asomye, naye amuyamba. Abantu tebakyayagala kuzaala, kubanga tebasobola kuweerera baana.

Ekirala tuzzeewo eby'Obuwangwa bye twasuula, anti gye tukoma okwokya abaana ab'emabega (ebitanyi), gye tukoma okutaawuula n'okulalusa abaana baffe, olw'omukka n'omuliro ebibayitamu. Abatookebwa babasuula eyo mu kinnya kimu bonna okuva mu buli ggwanga, buli ddiini, omusamize n'atalina ddiini bonna omwo. **Tetukyafugika** baana ku bitooke, nabo olwo ne baba nga ***tebakyafugika***. Balaluse nnyo, okuggyako abatono aboomukisa. N'abakulu abataafugikibwa, tebyakyasobola kwefuga. Omuntu bw'anyiiga ayagala kutta bussi munne, ne bw'abeera omwana we ayagala kutta mutte so si kumubonereza alongooke, agunjuke. Omusomesa naye kati akuba kutta.

Tuddemu okufugika abaana nga bwe twakolanga, tuwonye amalwaliro omutawaana ogw'okwokya ebitanyi, nga buli azaala bamusibirako omwana we, bagende bamufugike. Kino tekirina gwe kikosa. N'obulira buddemu buterekebwe, tuddemu okwalula abaana baffe nga bajjajja baffe bwe baakolanga. Kye kiseera era okuddamu okutenga embuto za bakyala baffe, ekintu ekyongera omukwano wakati w'omwami n'omukyala. Omwana agenda okuzaalibwa ng'ali wakati mu mukwano ogw'abazadde bombi ogutagambika. Ate bw'agendako ewa Jjajja, nga nayo omukwano oguli eyo tegugambika. Omwana n'akula nga buli wamu ayagalawo. Naye kati bajjajja tetubasuubiramu magezi galera

baana baffe be tufudde abazungu.

Ekisembayo tujjukire nti yali ntegeka ya Katonda omusajja okuwasa abakyala abangi. Bwe yalaba ng'omusajja alina ekimubulako, yamutondera omubeezi. Bwe yalaba ng'omubeezi omu tamumala, abasajja yabata, olwo omubeezi n'asabanga bba afuneyo omubeezi omulala azaale, n'okuyamba ku mirimu emirala. Y'ensonga lwaki mu Ndagaano enkadde abasajja baaawasanga abakazi bangi. Kino ne mu bisolo bya Katonda bwe kiri. Era teri nsolo nkazi yatonderwamu buggya kulwanira nsajja. Ate ng'ensajja yatonderwamu ebbuba eritta ginnaayo. Wano we waava olugero lwe sandireese wano, naye olw'okuba ng'abantu balukozesa mu bukyamu, awali abako n'abakulu, kyenvudde nduleeta tulutegeere, era tulekere awo okumala galukozesa. Olugero lugamba nti, "*Ensolo erwanira ebiko, ekuuka ejjembe*". Abantu beefuula abalulongoosa ne bagamba mbu "Erwanira obuko", ate nga bamanyi nti bagamba nsolo, anti omuntu talina jjembe ate n'ensolo temanyi buko.

Yali ndowooza yaffe ng'abantu, nga twagala okumalawo emitawaana egibeerawo nga tuwasizza abakyala abasukka ku omu, ne tugamba nti Katonda yejjusa mu kye yakola okusooka, nti era n'akidibya mu Ndagaano empya, buli musajja afune omukazi omu; so ng'ate omuwendo gw'abakyala yaguleka nga gwe gusinga ogwa abasajja. Olwo abafikka bakole batya ng'obutonde bwe bumu. Ate nga yatulekera ekyokulabirako eky'engalo, nga emirimu okutambula obulungi, engalo ensajja ewasa enkazi nnya, ng'ensajja ezitabaalamu nga bw'eyagala, nga teri nkazi ekwata ku ginnaayo. Ekikonde okunywera, ng'ensajja zonna ezisibyeko.

## OKUDDAABIRIZA AMASIRO

Buli Kabaka wano mu Buganda, bw'akisa omukono, ateekwa okukolerwa amasiro mu kimu ku bibuga by'abeera akubye, nga mulamu. Buvunaanyizibwa bwa buli Kika okukola n'okuddaabiriza Amasiro ago. Eno nkola eri mu buwangwa bwa Buganda. Gatuweesa ekitiibwa eri abo abatulaba era ne batwegomba. Bwe bagatuukamu, ne balaba ekitiibwa ekigaweebwa, awamu n'obulombolombo obusangibwamu, kibaleetera okwebuuza enkula Abaganda gye twakuzibwamu. Amasiro n'olwekyo geetaaga okukuumibwa obutiribiri, nga buvunaanyizibwa bwa buli Muganda okulaba nga tukuuma omutindo gwago. Ekirungi kati waateekebwawo Minisita mulamba akola omulimu ogwo omulungi ennyo ate ogw'ekitiibwa. Tusaana tumukwatireko gwongerwemu amaanyi.



Amasiro gaffe agaalinanga ekitiibwa, gonna kaakati goonoonese. So nga wano gonna bwe gakolebwa nga bwe gateekwa okubeera, tegatuwa kitiibwa kyokka, wabula n'okulaga galaga obugunjufu bwaffe. Gajjudde eby'obuwangwa bwaffe bwe tugezaako okuzzaawo, tuddeyo okubeera abantu ab'enjawulo mu mpisa, mu ndya, mu njogera, mu ntuula, ne mu kutegeera engeri obufuzi bwaffe gye bwajja buzimbibwamu. Embiri, amasiro, ebisaakaate n'amaka tuddemu okubissaamu ekitiibwa ekibisaanira, kubanga eyo y'ensibuko y'obuwangwa bw'Omuganda. Kati ebifo ebyo twabifuula bizannyiro olw'okuba nga twagala okunoonyeza Buganda ensimbi. Okukola ekyo tubeera tuwaddeyo ekitiibwa kyaffe, tufune ensimbi!. Amasiro ago, gasobola okusomba abantu okuva okumpi n'ewala okugalambula okufaananako ago aga Bafalaawo mu Misiri. Essente zetuyinza okufuna mu kkubo eryo, zibeera za kitiibwa nga tetwetunze, era tetweweebudde. Amasiro galaga obutegeevu bw'Abaganda mu kukuuma Obwakabaka, n'okugondera abafuzi baabwe, nga balamu oba nga baawummula dda. Kino nga kiri mu butonde.

## OKUTUNDA ETTAKA N'EBIGGYA

Okuva edda wano mu Buganda omuntu nga takkirizibwa kumala gatunda ttaka. Ekyo baakitangiranga mu ngeri ya magezi nnyo. Kyaviira ddala ku Muteesa I nga bwe twakirabye edda. Buli gwe baawanga ekyapa nga kisoma nti "Ssaabasajja Kabaka wa Buganda akwazise ettaka"; so nga liryo. Naye mu mateeka nga tokkirizibwa kukyusa kyapa kyazike. Abagwira nabo okuviira ddala ku Muteesa I, tebaaguzibwanga ttaka nga bwe twalabye edda. Okuggyako ettaka eryabaazikibwa nga lya Minsane, okuzimbako amasomero, amalwaliro n'amasinzizo. Eryo ly'ettaka eryafuuka erya Minsane.

Olwokubanga ettaka lyaweebwanga Baminsane, ng'Abagwira tebabaguza wano ttaka, nga mpozzi baayise mu masomero, malwaliro n'amasinzizo okufuna ettaka, kati eddiini zaalula buli olukedde, nabo basobole okufuna ettaka wano. Kino kya kolebwa oluvannyuma lw'abantu okwetegereza ng'eddiini ezaasookawo zaakola entegeka ezeegasa, bwe zaafuna ettaka. Zaazimba amasinzizo, amasomero, amalwaliro, ebisulo n'amalundiro. Bino nga muvaamu emisolo egiddukanya gavuenti zaabwe, ng'endobolo, ekimu eky'ekkumi, obweyamo, okwebaza, ebirabo(amazuukira n'amazaalibwa), amakungula n'okugatta abagole. Ensimbi eziva mu masomero ne mu malwaliro nazo zibeera nnyigi ddala. Ekyewuunyisa ebyapa by'ettaka okuli eby'obugagga obwo biterekebwa ku bitebe ebikulu eddiini ezo ezimu gye ziva.

Omulugube gw'ensimbi bwe gwajja, ng'eno ye ndwadde eyakwata Abaganda kumpi bonna obutabalekaamu wadde akalowoozo akatono kati, akagamba nti singa abaatusooka nabo baatundanga ettaka bwe bati, ffe twalisanzeewo kaki? Olaba beerabira nti okutunda ebifo ebyobuwangwa ebikulu bwe bityo kiggyisa omuntu ku busika! Ekyakabi, abatunda ettaka abasinga, batunda lwa kulya nga bagamba nti abaana balikola ebyabwe. Okulya abantu beerabidde nti tekukoma tekukoma. Eyalidde enkya ate olw'egguolo y'asinga okwagala okweyongera okulya. Ate okumanya ng'ebyokulya tebiriimu, ebyassava byolya ng'oyagala okukamala, bwe wayitawo eddakiika emu bweti ne bidda, obeera toyagala kubitunulako. Kale ebintu ebifuuka ekyenyinyalwa bwe biyo, okubiwaanyisaamu ebintu ebyomuwendo ogugenda gulinnya buli mulembe buli lunaku, kibeera kyeraliikiriza omuntu alumirwa ensi ye. Ebintu ebyo bye bimu okubiruvuwalira n'otuuka n'okutta banno, okutunda obutaka bwaffe kibeera kya butaliimu. Ebyokulya n'olwekyo sikirungi bikutunze nsi yo, bikumazeemu bituuke n'okukuggya ku bantu bo, wadde okukwawukanya ku bantu abo botomanyi. Ate ekikulu ne liguzibwa abantu abagwira abatalina kyesisiwaza kyonna, singa wabaawo abagambako nti awo we mugula waliwo obutuulo bwa bannaffe abaatusooka okugenda ezzirakumwa. Kiba tekirina makulu mu kutegeera kwabwe. Kyova olaba ng'ebifo ebyobuwangwa bigulwa era ne bisendwa nga tutunula, emiti egy'ebijjukizo batema miteme nga buli kye bakola bakikozesa nge n'obukyayi obutagambika, nga bagamba nti kankikole ndabe ekinaabaawo, oba kye banaakola. Ekyennaku ebyo byonna babikolera kuno okwa bwobwe, nga ebyabwe ewaabwe baabikuumye butiribiri.

Tebaakoma ku kuuma byabwe byokka, waabula nabo beekuuma. Babadde bakyafuba nnyo obutakkiriza baana baabwe kufumbirwa batali be waabwe. Bwe wabeerawo okukaayana wakati wa munaabwe omugenyi n'owa kuno, ne bw'aba ng'omugenyi yasoose okusobya, munne bw'abasanga, awagira munne nga tamaze na kuwuliriza nsonga. Ate ng'Omuganda tasalira muntu musango kumusinga olw'okuba mbu Muganda munne. Amala kuwulira nsonga awo n'alyoka asala, ng'asinziira ku bujulizi obubeerawo. Anti n'olugero olumanyi nti: "Ne gw'oyagala omusalira omusango ne gumusinga".

Nga tutunda ettaka, tujjukire nti tuweebuula Bwakabaka, tusaanye tukimanye nti awatali ttaka, tewali Kabaka, awatali Kabaka, olwo tewali Buganda era tewali Baganda. Anti Muteesa I ettaka yaliyita nnyaffe! Ate luli nga mukwano gwange Major Katende nga tanafa, nga bw'ofuna omukisa n'oyogerako naye, nga mukwano gwange oyo Major Katende eyakuuma Muteesa kuno n'ebweru, era Wolole wa Bakabaka ababiri, akugamba



kimu nti;

*"Obuzaale tebugulwa. N'olwekyo, tobutunda. Buli lw'otunda Ettaka, Ebiggwa, Ebiggya, Obutaka, Obwakabaka, obeera otunze, nnyoko akuzaala, naye obeera omutunze. Okwo kwe kutunda obuzaale bwo. Ensi yo obeera ogiriddemu olukwe, nga naawe weeriddemu olukwe".*

Ebyo bye bigambo omukulu ono Major Katende bye yateranga okuŋŋamba buli lwe twasisinkananga ne tumala twogera ku nnyaffe Buganda n'ebigiruma. Bye byokka ebyamulwisanga okudduka okudda mu Lubiri okukuuma Omutanda. Era yabinkoleramu n'ejjinja ery'omuwendo erisoma nti, *"Obuzaale tebugulwa"* mbijjukirenga! Ejjinja yalimpa nga 24. 10. 2001.

Omuzungu bw'alabuse nti tetwagala kutunda ttaka, n'asala amagezi ng'akozesa abafuzi baffe okutwavuwaza okutuuka okweyaguza olugyo. Wano nga batugamba kwewola mu Bbanka kuba nabo mwe beewola. Kyokka amateeka agafuga Bbanka go maawufu nnyo. Ewaabwe aamagoba ga Bbanka matono nnyo, gali awo 2-4%. Wano bwe weewola, nga Bbanka ejja, ng'erambula ekizimbe oba ettaka. Kasita eraba ng'ekintu kisava, ng'ekuwaayo ku busente mu kintu kyo ekirina, omuwendo ogwa waggulu okusinga awo. Bbanka ng'ekugamba okusasula amagoba ebitundu 25-30 ku buli kikumi kya nsimbi ezikubanjibwa, ng'ogasseeko n'emisolo. Zigenda zeetuuma okutuusa omuntu n'aba nga takyasobola kusasula nsimbi ezimubanjibwa. Olwo nga batwala ebibyo ku nsimbi entono ennyo ze weewola. Nga olwo bakubbye. Abaaleeta muno enkola eno, ewaabwe si bwe bakola.

Bateekawo amateeka amakakali mu kugezaako okukendeeza obungi bw'ensimbi ezikozesebwa mu bantu, mbu omuwendo gw'ensimbi guleme kugwa. Emisolo egiteekebwawo okugenda okugimalayo okugisasula, ng'agandibadde amagoba gaweddewo tonnamalayo misolo. Ate emisolo nga bagyetaaga. Olwo ng'otoola ku ziri ze baakuwola, ng'osasula omusolo baleme kukuggalawo. Ng'osuubira nti osanga omwaka oguddako obusuubuzi bunaalongooka. Ogenda okutunula mu Bbanka, ng'ensimbi ezikubanjibwa tokyasobola kuzizasula. Ng'ebintu bye wasinga mu Bbanka babitwala! Okumanya nga kigenderere, abawozi ab'ebweru ne bwe batusonyiwa amabanja, yo gavumenti yaffe tesonyiwa bantu baayo, egenda bugenzi mu maaso n'okulagira Bbanka Ya Yuganda eragire Bbanka ez'obusuubuzi ziwambe bintu by'abo abeewola ensimbi ezo ze nnyini ezibeera zitusonyiyiddwa.

Nga twagala okukomya omuze ogutunda ettaka, Abakulu b'Obusolya baddemu okukuuma ettaka ly'abazzukulu, nga buli lumbe olw'ettaka luteekwa okutambuzibwa ne lutuuka ku Kasolya. Ate n'oluvannyuma lw'okumala okwabya olumbe, abasika baweerezebwe ewa Kabaka nga balaga ettaka bwe lizze lisikirwa. Bakubirize bazzukulu baabwe balekere awo okwetundako ettaka ly'abazzukulu ba Buganda abaliddawo. Oyo ayagala okutunda amalenga kulaba ng'abekika balemeddwa okugula ettaka eyo. Luli libadde litundibwa mu nkukutu, nga n'abekika oba abooluganda tebamanyi.

## OKUZZAAWO N'OKUKUUMA ETTAKA LYAFFE

Amakolero nago gakoze kinene mu kutta ettaka lyaffe ne liggwwaaamu obugimu. Abasuubuzi nabo beegatta ku makolero ne baleeta muno obuveera.Obusanga buli wantu mu ttaka, ekivuddemu kwe ku lyonoona nga terikyabalamu bintu. Abaalinanga emmere, nga tuliisa n'abalala kati be batuliisa. Eyo emmere gy'eva kati, obuveera tebunabuna mu ttaka lyabwe. Wasaana wabeerewo olutalo kasiggu okulwanyisa obuveera tubwokye. Nga bwe waaliwo omuyiggo gw'emmese, nga buli muntu ateekwa okuleeta omukira gw'emmese, nga lwe lutalo olwamalawo Kawumpuli mu Buganda, kati kye kiseera okussaawo olutalo olunaamalawo obuveera mu ttaka, nga tulima tubukuŋŋaanya, n'okukuŋŋaanya obwo obutannaziikibwa, bwonna tubwokye. Bulina kukubirwa Ggwanga mujje.

Abantu tebakyalwanyisa mukoka nga basimba Paasipalamu mu bibanja byabwe butatwala ttaka nga basimba Paasikalamu. Ebibira tubimalawo buli olukedde. Entobazzi ezaakuumanga amazzi, zonna zirimiddwa, ekintu ekireese enkalajje n'eddungu. Ebigimusa ebyaffe binnakavundira twabidibya ne tukozesa ebiva ebunaayira ebyokya buli kagimusa konna akasangibwa mu ttaka lyaffe, kubanga n'ebipimo bya lino ezzungu abamu tetubitegeera bulungi. Edda twalimanga tuwummuza ettaka ne liddamu okukuŋŋaanya ebiriisa naye kati ffe tulima okutuusa lwetulaba ng'ettaka terikyalimu kantu konna, ekivuddemu kwe kuggweebwako emmere. Kati ensuku tufuma nfume nti twazrina ezaali embikke. Mu kifo ky'okuddamu okufungiza tuzzeewo enimiro zaffe, abavubuka abaamaanyi bali mu bibuga batembeeya kutunda butambaala na bikwanso. Abavubuka okweyiwa mu bibuga, ebyali bisigala muwawa, abanoonyi b'obubudamu ne babituulamu ne babirima, okukakkana ng'omulonzi w'omuggo y'afuuse nannyini gwo, nga bwe twalabye etteeka erifuga ettaka. Wateekwa okuteekebwawo enkola enezza abavubuka



mu byalo basobole okukola emirimu egibagasa era ne gigasa eggwanga. Lwe tunaasobola okukuuma ettaka lyaffe. Entegeka etwala abalimisa abakuguse mu mulimu ogwo esaana okunywererako, buli ggombolola efune omulimisa n'omulunzi. Tutandike n'okulima Pamba, anti abantu mu nsi yonna kati baagala ngoye za Pamba eziyitibwa Kotoni. Wadde nga Pamba ateganya nnyo, naye omulimi bw'ayongerwa omuwendo buli Kkilo n'egula bulungi, asobola ekyo okukigumira. Kino kijja kutumbula abantu baffe mu ngeri zonna. Kibaggya mu kulima ekibala kimu kyokka ekireeta ssente ezebweru mu ggwanga.

Obulunzi nabwo kati osobola okulowooza nti Abaganda tebagukolangako era si mulimu gwabwe. So nga edda baalundanga ente, embuzi, endiga, enkoko nga balina ebisibo n'ebiraalo. Buli kika ekirundibwa, baalondangamu ekisolo oba ekinyonyi kimu ekikulira binnaakyo ne bakiwongera Omukama, nga bagamba nti kino kya mukolo, era nga tekiriibwa. Kyannaku okubeera n'ensiko nga *tetulima*, nga n'okulunda tetulunda. Kirungi tujjukire nti buli mufuzi ajja wano abeera ayagala kutwala ttaka lyaffe. Singa tebwali bukujjukujju bwa bantu baffe,Omuzungu ettaka yalirimazeewo. Kati tulwana na bafuzi abaddawo. Bwe tutaafube kulikolerako ne tudda mu kulera engalo, ettaka mmye!.

Abaganda nga beesigamye ku ttaka, baali bamanyi ebisaana okulya okubeera abalamu era abawangaazi. Baatulagiranga okulya emmere ezimba omubiri (Proteni), ereeta amaaanyi (Sitaachi), etambuza obulamu n'okubukuuma oba okubusibaga ( vitamini), Emmere ebugumya omubiri (Fats). Ebyo byonna twabifunanga mu bino:-

Emmere ezimba omubiri nga tulya:- Enswa, amayenje, ennyaanyaagize, Namunswa, enseenene, ebimommo, ennyama, ekibumba ky'enkoko n'ebirala. Emmere ereeta amaanyi nga tulya:- amatooke, lumonde mawogo, amayuuni balugu, bikongo, ndaggu; okwo nga tuteekako kadoma, enjuki n'ebirala.

Emmere etambuza obulamu n'okubukuuma nga tulya bibala:- enkenene, empafu, amatugunda, amapeera, obukwansokwanso, amatungulu, entuuntunu, obutunda, amapaapaali, eggobe, emicungwa, enniimu n'ebirala. Emmere ebugumya omubiri nga tulya amasavu, entungo, ebinyebwa n'ebirala. Omulembe ogusomye, mu kifo ky'okubinoonya tuwoza nti ensi yakyuka ne bibula. So nga tusobola okufuna ebisigaddewo ne tubizaazisa ne tubiteeka mu mikebe waakiri ne tubiwa abaana baffe. Anti tetukyabakkiriza kutakula ttaka.

## ENKYUKAKYUKA MUMPISA N'ENNEEYISA

Wajjawo enkyukakyuka nnene nnyo mu buli kintu nga n'empisa mw'ozitwalidde, nga byawukana okuva ku nkola y'ekiganda. Kino kyajja olw'engeri gye twagenda twetabikatabika n'amawanga amalala. Ne tutandika okukoppa enkola, empisa n'enneeyisa eby'amawanga amalala okuva ku Muzungu okutuuka ku bannaffe abatwetoolodde. Ate ku mulembe guno Nnabe n'agwa mu basawo ab'ekinnansi nabo bwe baatandika okukoppa abasawo ab'ekinnansi abava ebunaayira n'okwagala ensimbi. Ekivuddemu kwe kutandika okusaddaaka abantu, olwo ebyaffe byonna ne twongera okwagala okubisaanyaawo.Ebyo byonna bituleetedde okusaabulukuka nga tudibya ebyo ebyali bitufuula abantubalamu, ab'enjawulo, abatya abakulu, abaagalana ate nga baagaliza bannaabwe ebirungi. Twabula nnyo nga twetabise. Olaba obuuza omuntu ensibuko ye, n'akubuulira kitaawe n'omukulu w'akasolya, olwo n'olowooza nti oyo mu buli ngeri alambise Obuganda bwe w'abuggya! Oyo naye ne yeeyita Omuganda Kino kye kyafuula Buganda ensi so si ggwanga, olw'okutwalanga abantu ab'enjawulo ne bayingizibwa mu Buganda awatali ku basosola.

Edda ng'omuntu alina Endagiriro okuva wansi okutuuka ku Kabaka. Kabaka bwe yabeeranga yeetaaga omuntu, ng'alagira omukulu waakasolya omuntu oyo mu ava. Owaakasolya olwamanyanga Essiga omuntu oyo mu ava, ng'ayita mangu Owessiga oyo, ng'amulagira kuleeta muzzukulu we. Owessiga olwaddangayo ng'ayita waamutuba, ng'amulagira kye kimu. Oyo naye yayitanga mangu omukulu wolunyiriri eyaleetanga omuntu gwe beetaaga ng'amuggya mu nju mw'azaalibwa. Omuntu kyava yeeyogerako ng'agoberera entegeka eyo abamuwuliriza basobole okufuna endagiriro ye. Omuntu atalina Ndagiriro teyeesigika era ne Bbanka tezimuwola nsimbi; naffe nga tetumuwa buvunaanyizibwa. Omwana bwe yazaalibwanga, nga si mwana wa bazadde abo abamuzaalira ddala bokka, yabeeranga wa kika. Yasookanga kubeera wa baaluganda, nga buli wa luganda alina okwagala n'obuvunaanyizibwa obutalina kujulira nti muzadde we taliiwo. Obeera tolina gw'ojulira ku bikwata ku mwana oyo. Abeera mwana wo yennyini. Abaana bonna ababeera awaka, bakula bamanyi nti ba luganda.

Ebiro bino twafuna omutawana ogutayogerekeka. "Kezaala" asusse. Abaana tubeesibako nga tetubakkiriza kugenda kulaba ku bakadde baabwe eyo mu byalo. Abaana baafunanga okutendekebwa mu nneeyisa, mu mpisa, mu kwogera obulungi mu bantu



n'obutayambula lulimi, amakulu nti obutawemula. Baakulanga bamanyi ekika ne bayiga obuvunaanyizibwa bwabwe mu kika ne munsi yaabwe. Naye kati wejjuukiriza nga bakulidde ku muntu omu ate nga omuntu oyo naye ekika takimanyi olw'emisomo gye ubeeramu mu masomero g'ebisulo ne mu Bulaaya. Ate nga n'oluusi, omulembe gw'okuwayiragana bwe gwajja tusobole okukuza Yuganda etasosolagana, wejjuukiriza oyo akuza abaana ba Buganda nga Baganda, ng'omukyala gwalina bw'ataba Muzungu, oba abeera wa Ggwanga ddala erisangibwa wano mu Yuganda n'ensi ezitwetoolodde. Kale abaana abo bwe batagendako mu b'ebika byabwe, bafuuka ddi abaana Abaganda abaagala, era abalumirwa Obuganda?

Empisa eŋŋanda ze twasuula ne tunaayiza engwira, ze zaali zitufuula abantu abamanyi era abakola ebintu Katonda by'ayagala. Katonda yatonda ebintu nga buli kintu, buli kika abiteeka mu masa gaabyo. Buli kitundu mu nsi muno, ng'akyawula ng'akozesa ensozi n'emigga, ng'ayagala buli kimu kibeere we yakitondera. Atulaga eby'okulabirako buli kiseera, kyokka ffe tetubiraba, era tetubitegeera. Ffenne tulunda enkoko n'embaata, naye wadde nga biriira wamu, era nga bisula wamu, naye ekimu tekizaala mu kirala. Ente tezaala mu ndiga. Ensolo n'ebinyonyi byo tebimenya tteeka lino. Naye ffe abantu Katonda be yawa amagezi agafuga ebitonde byonna, ate ffe tukulembedde mu kuwakanya enteekateeka ya Katonda. Tukyuse kinene nnyo, kubanga osanga abayisa ekivvulu, ng'omukazi asikira omusajja mbu kubanga eddiini tekigaana. So nga ne mu bitabo by'eddiini mulimu basajja nga basikira basajja. Tetukyamanyi na kugema buko. Kya muzizo omwana okulaba obwereere bwa mukadde we. Bwe kibeera nga tekyebeereka, ka tugambe nti singa omwana ajjanjaba mukadde we nga tewali mulala yanna asobola okumunaaza, omukadde oyo bw'afa, omwana addira olubugo n'alukwata ng'akubyeyo amabega, n'alusawuka n'alubikka ku mukadde we. Atambula mukungujjo era tamuziika, tamuyiwaako ttaka. Olwo obuko abeera abugemye.

### OKUTUUMAAMANNYA.

Okuva edda ng'omuzadde tatuuma mwana we mannya nga bajjajja b'omwana weebali. Bajjajja be bamanya abantu be babbulamu bazzukulu baabwe. Beewalanga nnyo okubbula omuntu eyali tasoboka olw'ebizibu bye yabeeranga nabyo. Bakimanyi nti okutuuma erinnya ebbi kyonoona omwana. Bajjajja nga batuuma amannya bagaba emikisa, obuzira n'olumanyo. Abaana baaleero ebyo tebabifuna. Abaana abatafuna mikisa n'okwagala kwa bajjajja balabye. Anti ewa jjajjaawo gy'ozirira enva entono!

Abazadde ba kaakati beemalirira mu kutuuma amannya, ekintu ekizibira omwana emikisa mu buli kantu. Edda nga Jjajja w'omwana y'amutuuma erinnya, ate nga tamutuuma kkalu, amuweerako ensimbi, omwana n'atandikirawo okubeera omufunyi.

Omuntu atalina Jjajja abeera mu kaseera kazibu ddala. Anti Jajja y'akola bino:-

i) Y'asala engozi erera omwana
ii) Y'atuuma amannya
iii) Y'atuuza omwana
iv) Y'amwambaza (okumusiba) endege
v) Y'amuggyako endege
vi) Y'amusalako enviiri ezisooka
vii) Y'alera omuntu akuze ng'agenda okutandika emirimu gye. Emikisa agiggya ku mubiri gwa Jjajja.

Nga Abazadde beetuumira amannya, eyo gye babbulira n'amannya ag'ebika ebirala agatatuumwa oba okubbulwa mu bika birala. Kino kikyamu kibuza amannya ag'ensibo, ne gagenda mu bika ebitali binnannyini mannya ago. Ekivuddemu, kati buli luvannyuma lwa linnya omala kubuuza muziro okukakasa oba nga ddala alirina wa muziro ogwo. Edda ng'erinnya likumala okutegeera nannyini lyo kye yeddira. Bajjajja be basaana okutuuma kubanga be bokka abasobola okumanya amannya gaabwe ne bagaawula ku mannya aga gafaanana, so nga ganjawulo.

Ekyokulabirako:-

Kulumba wa Ndiga,
Kalumba wa Lugave.
Mulumba wa Musu,
Mulamba wa Butiko.
Malumba wa Mmamba,
Kirumba wa Nvubu.
Muyingo wa Musu,
Miyingo wa Nkima.
Kikomeko wa Njovu,
Bukomeko wa Mmamba.



Ssenkanja wa Butiko,
Ssebukanja wa Mmamba.
Ssekkadde wa Ndiga,
Ssemakadde wa Njovu.
Sewalu wa Lugave.
Sebalu wa Mmamba.
Ssettimba wa Ffumbe,
Ssematimba wa Mmamba.
Ssembwa wa Ffumbe,
Ssewambwa wa Mpindi.
Nakacwa wa Ngabi,
Naabacwa wa ŋŋonge.
Katende wa Lugave,
Katenda wa Mmamba.
Kaweesa wa Ffumbe,
Kasweesi wa Nte.
Katumba wa Nkima,
Katamba wa Lugave.
Najjemba wa ŋŋonge,
Ssejjemba wa Butiko.
Kiggye wa Mpeewo,
Kiggyo wa Mmamba.
Namuli wa Nkima,
Nakimuli wa Ffumbe.
Nkata wa Nseenene,
Makata wa Ngeye.
Luwaga wa Mpologoma,
Luwagga wa Nkima.
Mbazzinzira wa Nnyonyi, lino lye liggyayo amakulu lwaki ayitibwa Mbaziira.
Mbaziira wa Kasimba, na lino lye liggyayo amakulu lwaki ayitibwa atyo; (abaziira).

Tetwogedde ku mannya gafaanana, nga gatuumibwa ebika eby'enjawulo olw'okuba ng'ekika ekimu kyekweka mu kinnaakyo. N'amannya amalala mangi ddala agakyaliyo agamanyibwa abakulu, ageetaaga okwegendereza, ng'ogatuuma, ggwe omuto ky'otasobola. Aba leero beemalirira ne mu kutuuza abaana, mu kwalula, mu kufumbiza

ne mu kubakuza.Omwana akula amanyi nnyina na kitaawe na baana ba nnyina bokka. Kino tekiruka kika nga bwe gwabeeranga edda, okuggyako okukyawula. Olaba n'okuziika buli omu kati ayagala kuziika mu maka ge kubanga yakula ne yeetongola, ne yeemalirira, n'abanga atalina gy'asibuka.

Omwana akulira mu mbeera bw'etyo, akula akoppa mpisa za baliraanwa, ate abo abaava ebunaayira. Omuntu eyakuzibwa bwatyo, omutuma okulima n'otamutuma kwe yanjula oba okulanya. Ekigambo "Nsonyi" n'obuntubulamu byasiibulwa. Ekivuddemu ky'ekyo ekirabika mu kutuula kw'abakyala mu ngeri eyeesisiwaza. Edda ne bwe bwabanga kiro, ng'omukyala ne bwe yabeeranga yekka nga tasitama. Naye kati emisana ttuku, mu lujjude, abakazi abakulu mu busuuti basitama ku bugaali, buno buppikipiki anti n'olaba entumbwe, ebikooyi n'ebisambi nga beebambye, mbu batuule nga banywedde. Abakyala abaabasooka baazituulangako nga bambadde engoye eza nayironi eziseerera ennyo, naye bo tebaasitamanga. Nga batya nnyo n'ekigambo kukunama. Naye omulembe guno okumanya nga gwagala okukunama, waakiri olugoye alusalamu okuva wansi okutuuka mu bbunwe mu mbiriizi, mu maaso oba emabega era ayolese ku mubiri gwe oguteekwa okubikkibwa.

Wadde nga ffe omwana omuwala tasikira kitaawe oba mwannyina, naye ffe nga tetumusosola ng'Abazungu bwe bakola. Anti bo bakola kampuni ne bagiyita "*Smith and Sons*". Teriiyo *Smith and Daughters*, wadde *Smith and Children*. Bo Abaganda nga bamanyi nti bye bafuna byonna bya baana, abajjwa n'abazzukulu, nga tetwawula mu baana. Naye ekyokusaalirwa, tukoppye enkola y'ekizungu esosola abaana abawala n'abaana ba baganda baffe.

## OKUKUZAABAANA

Tuddemu okukuza abaana baffe okuviira ddala eyo wansi nga bakyali bato, nga batya era nga baagala bakadde baabwe. Nga baagala bato bannaabwe, nga bassa mu babasinga obukulu ekitiibwa, nga baagala Obwakabaka bwabwe, era nga baagala ensi yaabwe. Tubakuze nga bamanyi empisa, obulombolombo n'obuwangwa bwaffe. Nga tebalina kwegomba wadde okugandawaza eby'abagwira. Okwagala kwe balina okunyweza, kubanga omwana bw'ayagala omuzadde, omusomesa oba omuntu omukulu yenna, afuuka eky'okulabirako eri omwana oyo abeera amwegomba. Agezaako nnyo okumwefaananyiriza n'ayagala akole nga bw'akola, bw'ayogera, bw'ayambala, bw'akola



emirimu, bw'atambula, bw'anyumya era n'enneeyisa. Eno y'ensonga lwaki abakulu nabuli muntu ow'obuvunaanyizibwa alina okweyisa obulungi kubanga abato n'abakulu bamufuula ekyokulabirako ne bamwegomba nabo ne batandika okukola nga ye. Omukulu bw'olaga empisa embi obeera oyigiriza balala kukola bibi, okufaanana omukazi abba ng'aweese! Anti abeera atendeka muto kubba. Ekyakabi, kakaati abakuza abaana, nabo babakuza mu ngeri ya Kizungu, nga abaabakuza bafuuse ba kezaala, ate eky'akabi ekirala, tebamanyi mwana muganda bwe yandikuzibbwa. Abaana tubakuliza mu mpisa n'obuwangwa ebitabuletabule ebijjudde ebiva ebunaayira, ebisaana n'ebitasaana.

## OKUBUULIRIRAABAANA.

Abakulu baalina amagezi ge baakozesanga okubuulirira abaana mu ngeri ey'ekitiibwa etawaawaaza matu. Baakikolanga mu kyama mu bwesige bwa kitalo omwana n'amanya nti ebigambo ebimugambibwa bikulu nnyo era bya kyama si bya kujaajaamya. Ekigambo "Amawemuukirano" ne kikuuma abaana obuteemakula nga batiira ddala okusobya. Naye kati omulembe ogwogera akaati mu lujjudde nga tubawagira okukozesa buno obupiira okukuuma obulamu, kyaweebuula buli nsonga n'eggwaamu ekigendererwa nga n'omuzadde akaze amaaso ng'abuulirira, nga taliimu ntengereze wadde ensonyi. Nabo nno kati abaana ebintu eby'ensonyi babikola kyere kubanga tubakkiriza okubikola ng'eno bwe tubawa n'amagezi okubikola nga beegendereza obutafuna mitawaana. Kino nno kituleetedde omulembe oguggyamu embuto n'okusuula abaana abawere buli lunaku.

Okubuulirira abaana nakwo kirabika nti kwagenda n'omulembe ogwaffe ogwali amakula, ne tuwaanyisaamu omukoppe oguteegombesa. Okubuuza, nga oli abuuza omuntu nga bw'amuyita mu buzaale nti, "Eradde Taata, Maama, Kojja, Baaba, Musebeyi". Ssebo oba Nnyabo nga tukirekera bakulu be tutamanyi, naye nga tubassaamu ekitiibwa.

Luli ng'omwana abuulirirwa buli muntu mukulu, ne bw'abeera nga tabalinaako luganda ng'asobola okugolola omwana abeera asobezza. Tukoppye Abazungu ne tuyisa ne mu kigero. Ate nga bye tukoppa biba bya njawulo ku byaffe. Okugeza, ekiwuugulu bwe kikaabira ku nju y'Omuganda, buli omu mu nju, abeera mweraliikirivu ng'alinda kumubikira oba okulaba ekibi ekibeera kirangiddwa. So nga bwe kikaabira ku nju y'Omungereza, babeera mu kujaganya, nga balinda ekirungi oba omukisa ogubeera gulangiddwa. Kale awo tukoppamu ki? Kati tukoppye nga tokyayawula mukazi ku musajja. Omusajja kati ayokya enviiri, awummula amatu, asiiga enjala n'emimwa, n'alabikira ddala ng'omukazi.

Oyo mu Luganda ayitibwa Kintuntu, oba Nakawanga bw'abeera omukazi. Okumanya nga kyava dda nga kivumirirwa, omusajja eyeeyisanga ng'omukazi, okugeza, omusajja bwe yalyanga ebbumba ng'omukazi ali olubuto, nga bamuyita Kimwakitoole. Ate omukazi eyeeyisanga ng'omusajja, n'ayambala ng'omusajja, n'atuula ng'asitamye ng'omusajja, n'asala enviiri ng'omusajja, oyo ayitibwa Nakawanga. Abo bombi Nakawanga ne Kintuntu, nga banyoomebwa nnyo mu bantu, nga buli omu agenda ayisibwamu emimwa buli w'ayita.

Obutakuza baana mu mpisa zaffe, kintu ekyo kiswaza bazadde abaazaala omwana oyo. Abaganda kyebava bagamba nti omwana omubi avumaganya nnyina, ate omulungi n'asanyusa kitaawe. So nno n'oweddiini bw'agamba! Okweyisa mu ngeri eyo, n'abaana bennyini kyabafiirizanga n'okufuna obufumbo obuluŋŋamu, engeri abazadde gye beenyigiranga mu kunoonyeza abaana baaabwe amaka agavaamu abaana ab'empisa. Okwefumbiza n'okwewaggula n'owasa abazadde gwe batasiimye, kati kya mulembe era omwana okukimugaana oba olinnyirira eddembe lye. Omwana gw'olondera buli kantu nga muto asobole okufuna ekisinga obulungi, bw'omulondera omusajja oba omuwala, ng'akubuuza lwaki omulondera omuntu nga tomaze kumwebuuzaako; nga kiringa ekitegeeza nti, nga muto baamwebuuzangako nga bamulondera amakubo g'ateekwa okukwata afune ekisinga obulungi, afuuke omuntu eyeegombebwa. Abaaana abawala bwe bazaala mu basajja abatali Baganda be baba beefumbizza, oba mu basajja be batamanyi, ng'abaana baabwe ba bagandawaza nga ba batuuma amannya g'ekika kya bannyaabwe, ng'olwo omwana abeera yeddira omuziro gwa nnyina. Okwo kuba kusiga nsigo ezitamanyiddwa mu kika. Kye tuva tusanga omuntu nga Muganda naye nga ekikwata ku Buganda n'okujolonga empisa zaffe eŋŋanda, n'obulombolombo bwaffe teyeesisiwala, era takitwala nga kya nsonga. Okutuma omuntu ng'oyo akole omulimu ku lwa Buganda oba ku lwa Kabaka, akitwala ng'okumumalako eddembe, okumutulugunya takiwuliramu mirembe oba okukyenyumiriza mu n'akatono.

## ENNYUMBA EŊŊANDA ZAGGWAAMU DDA.

Ennyumba erina emikisa, yalinanga emikolo mingi egyakolebwanga nga bagizimba, nga bagisereka era nga bagiyingira. Abakulu abaalinga bamayi ebikolebwa baggwaamu dda. Ate okusoma bwe kwajja, kati ebyo byonna byafuuka bya kikaafiiri. Wadde ebintu ebyabeeranga mu nnyumba y'Omuganda twabiggyamu dda. Okugeza omukyala Omuganda mu maka, yateekwanga okubeera na bino:-



i) Akambe
ii) Ebibbo
iii) Enkumbi
iv) Emikeeka
v) Ensuwa
vi) Olwendo
vii) Akatandaalo
viii) Effumbiro omuli ekibanyi
ix) Ekyagi ekitereka emmere enkalu
x) Eggobe nga likozesebwa ng'enva n'eddagala

Omusajja yateekwanga mu nju okubeera na bino:-

i) Amafumu
ii) Engabo
iii) Eŋŋoma
iv) Omuggo
v) Emmindi
vi) Endeku
vii) Emikalabanda
viii) Ensawo ey'enkalira, kino kibbo eky'Abalongo, era mwe mwaterekebwanga ensimbi ezeewolebwanga mu buzibu obungi ennyo. Kyabanga kya muzizo okuggyamu ensimbi n'ozikozesa obutazzizzaamu. Eyo ye Bbanka yaffe etalyamaanyizibwa! Kakaati omuntu okumusanga n'ensawo ey'olubugo ng'ataddemu ensimbi n'endege evuga n'emulagirira mu nzikiza n'amanya nti eno y'ensawo omuli obugagga bwe, atwalibwa nti aterese sitaani! Kitalo.

## ENKYUKAKYUKA MU MPISA Y'OBUFUMBO

Obufumbo gwe musingi amaka, oguzimba ekika ku ludda olumu, ate ku ludda olulala ne buzimba ekyalo amaka mwe gasangibwa. Ebyalo ne bikola emiruka ate emiruka ne gikola amagombolola agakola amasaza. Ebika bwe binywera, n'obufuzi ne bunywera nga buva mu maka, ng'olwo ozimbye eggwanga lyaffe lyonna. Mu maka mwe musibuka Olulimi, Obuwangwa n'Obulombolombo bwaffe. Amaka omutali bufumbo tegasobola kukuza

baana baffe mu ngeri ensi gye twagala etambulemu. Eno y'ensonga lwaki omusajja talina mukyala, tafuga wano mu Buganda, bw'afa bamuyisa manju era tayabizibwa lumbe, kibeera kibamba. Omukyala naye atalina mwami tabeera na buvunaanyizibwa butambuza na kukuuma nsi yaffe. Mu maka omwami ye yabeeranga n'obuyinza obugafuga.

Ebintu bikyuse nnyo; kati omwami takyalina buyinza mu maka, takyasobola kugaana mukazi we kugenda wantu oba okukola ye omukyala ky'aba ayagala. Bonna benkana, ng'obuyinza bonna awamu babwenkanya. Omukyala akomawo nga bw'aba ayagadde. Batandise n'okututtira enkoko nga tulya, so nga bo baasalaasalanga eyo ewedde kutta. Kati nno bagitta, ne bagifumba era ne bagigaba. Obufumbo bwe bulemagana, omusajja y'aviira omikyala mu maka, ye n'afuna awalala w'asobola okudda. Omukyala omufumbo nga ayambala bulungi nga si nkunamyo. Abawala nabo nga tebabakkiriza kukunama. Kati twakoppa Abazungu, anti okukunama kw'Omuzungu, kulaga bbeere. Ebitundu ebisigaddewo kasita ateekamu akawale akomunda tewabeera kwesisiwala. So ng'Omuganda okulaga ebisambi okukoma mu kundi, abeera akunamye. N'okwambala engoye zi kapati eziraga omubiri nga bwe gwakula, nakwo kubeera kukunama. Olaba mu mpaka za bannalulungi asinga okukunama gwe batwala okubeera nga y'asinga! Takoppa ne bannafe abava mu bitundu ebitwetoolodde. Entuula gye batuulamu, obutafukaamirira bannaabwe byonna bwe twabikoppa.

Edda Abazadde tebaagendanga ku kwanjula kwa mwana waabwe. Naye kaakati abazadde bonna beesitula ne bagenda, ne balya ku buko, ne batuula eyo okutuusa okuzibya obudde! Olwo nno si Luganda. Obuko twabutyanga nnyo mu bulamu ne mu kufa. Omuko nga tasaalimbira ku biggya, si kulwa nga abuuka nnyazaala we oba sezaala we, oba okubatuulako engeri enaku zino gye tutuula ku malaalo.

Ate bwe ŋŋenze okwetegereza, abo abakyala abasinga obungi abawoza nti, "Nava ku basajja, buli musajja yeeyisa bubi, noolwekyo nze nadda ku Yesu", oba nti, "Nze saagala Baganda tebamanyi love", okubeetegereza, n'obakebera, nga baajeemera Ssenga. Era takukkiriza kumukwatako. Abaagala ensimbi, abo bw'oyavuwala nga banoonya mulala.

**ABAGANDA TEBAKYALINA BWESIGWA**

Omuzungu lubunamawanga nga tannajja, Omuganda yali omuntu eyeesigibwa, ow'ekisa, era nga buli ajja wano atwalibwa ng'omugenyi. omuzungu nga tetunnamukoppa, era



nga tannafuuka "Serwajja okwota" nga buli muntu atya nnyo okumenya endagaano ezaabanga zikoleddwa. Bwe twatandika okufaanana abo abagwira, olwo abantu ne batandika obutassa kitiibwa mu ndagaano wadde nga zino obutafaanana zaffe nkadde nga ziriko n'abajulirwa. Ekintu kino abantu baakirabirawo nga tutandise okwonooneka, ekintu ekyawaliriza abayimbi okukyogerako. Abayimbi bwe baakiraba ng'ab'e Makeerere ate be bamenye endagaano ne kibanyiiza nnyo ne babayimba n'okubayimba.

Mu 1929 bannaffe bano, baalagaana ne Buddo okusamba omupiira. Ab'e Buddo bajja mu kiseera, awo e Wandegeya awaabeeranga ekisaawe, kati awali Poliisi y'e Wandegeya, ne balinda ab'e Makeerere. Ab'e Makeerere baatuuka kikeerezi nga n'abantu abamu bagenze. Bajja bambadde obugatto buno bu Lusejjera obweru nga bwonna bugubye olw'ettaka ebbisi, anti kwali kwa nkuba. Omuyimbi kwe kuyimba nti:-

"Ab'e Makeereere balabye, obutamanya ssaawa,
Ab'e Makeereere bagwagwa, buli kintu bakituukako leeti,
Olw'obutamanya ssaawa, buli kintu bakituukako leeti,
Obugatto obweru ate mwe bakubira Duyiro,
Kati babusambisa bbumba"

Ogwogwali mulembe gwa Tomllings nga ye mukulu wa College era yanyiiga nnyong'awulidde oluyimba olwo. Naye yasala amagezi ne yeesasuza, naye eky'okusaalirwa yeesasuza ku bantu balala. Olwali olwo nga bayita b'e Nateete kusamba mupiira. Bo ab'e Nateete tebajjira ddala ng'abazannyi baabwe balwadde. Tomllings eyali Omukulu w'ettendekero(Pulinsipo) yanyiiga nnyo era ebyokulya n'ebyokunywa bye baali babagulidde n'abisibako n'abibatwalira n'abalagira okusasula Ssiringi 25 ezaali zikozesebbwa okubiteeketeeka. Beesonda ne bazizasula mu bulumi obw'ekitalo.

Obukumpanya n'obubbi nabyo byatandika okumanyika nga tufuuse abayigirize okufaanana abagwira. Okubba kwatandikira mu Kampala, ate naffe ne tukimanya era ne tukiwagira. Twatandika okugambanga nti, "Oyo ye Kampala, yeetaaga kubba na kuwoza". Ekyo kibeera kiwagira obubbi. Olaba omuntu bw'abeera omubbi ennyo gwe bamuyita mugezi!.

**ABAANA TEBAKYATYA BAKADDE BAABWE.**

Oyinza okusanga omwana wadde omuwala ng'ayogera ne mukadde we nga yeesimbye ati jjaali. Eyo teyali mpisa yaffe omwana okwogera ne mukadde we nga benkanyenkanye. Ka kube kuweereza, nga mukadde wo tomuwa kintu na mukono gumu ate era nga tokimuwa ng'oyimiridde. N'abawala tebakyafukamira, kati nabo basitama busitami ng'abasajja kubanga omwenkanonkano gwajja. Kati we byatuuka, bw'okiwaliriza, omwana yeeyise nga ab'edda bwe beeyisanga, ng'etteeka eritangira okutuntuza abaaana likukwata nti obafuga bumbula. Kati tetukyakuza baana Baganda tukuza bannamawanga. Kati obalabira ku nneeyisa. Abaana Bamawale beewaggula ne bava mu masomero, bakadde baabwe ne babalekera ensi, ate olwo ne bawoza nti bakadde baabwe be babi. So nga bwe baba nga bakyali bato, nga tebalina kye bamayi, bafuna obuyambi okutuusa lwe beewaggula nga bafunye bannaabwe abali obulungi ewaabwe ne babawaga, oba n'okwesigula n'amateeka ga gavumenti agabajeema, so nga tewali mulala ajja kubayamba okuggyako bakadde baabwe. Olw'eddembe abaana lye baafuna, bagaana okuwulira bakadde baabwe bye babagamba ne bye babagaana, nga bawoza nti abakadde tebakyategeera, era nga beesiga omukono gwa gavumenti gw'etadde ku bazadde obutabakangavvula. Balina eddembe okwesalirawo kye baagala, so ng'ate bajja kwejjusa oluvannyuma. Teri mwana ajeemera bazadde, abeera n'emirembe mu nsi.

Eddembe lye tuwa abaana baffe kati lya ttima. Libongera kuwaganyala, kusasamala, na kweyiwa ku nguudo, ne batandika okulya mu bipipa ne mu bidomola. Kati batandise kuzaalira ku nguudo kwe basula, kubanga balina eddembe. Ekyewuunyisa, abantu abava ebweru bawagira abaana bano, nga babawa obuyambi babeere ku nguudo, era nga batukuutira abaana tubalekere eddembe lyabwe, so ng'ate ewaabwe gye bava, teriiyo baana ku nguudo.

**EBINTU EBITUFUULA ABAGANDA.**

Okubeera Omuganda kyangu nnyo. Omuntu yenna bwe yeeyisa ng'Omuganda, ayitibwa Muganda.Kasita ayagala era n'akola Abaganda bye baagala era bye bakola, nga bamugandawaza. Ebintu ebikulu ebitufuula Abaganda biri bina ebisinga obukulu ebitwawula ku bantu abalala. Olulimi, Empisa, Obuwangwa, Obwakabaka era nga bye bintu Dr. Aggrey Achimota bye yatulabamu, n'abyegomba era n'atukuutira okubikuuma



Omuntu yenna bw'atambulira mu bintu ebyo, Abaganda tebamuboola. Tujjukire nti Choli ne Idi, Muteesa I yabawa n'Ebitongole ne balamula. Obote ng'akyeyisa ng'Omuganda, erinnya baamuwa lya Bwete, n'omukazi n'awasa Muganda. Idi Amini bwe yali naye akyayagala Abaganda, baamuyita mwana wa Ccwa olw'enkula y'omubiri n'amaaso. Ate omuntu bw'abeera Omuganda ne yeeyisa mu ngeri eteri ŋanda, abeera yeggye yekka mu Baganda. Basooka kugamba nti ''Gundi yeeyisa ng'atali Muganda, gamba ye oba tali?'' Awo nga batandika okugoba endagiriro ye okuva ku nju, nda, luggya, lunyiriri n'okweyongerayo waggulu. Bwe batuuka we bamubuusabuusa, nga batandika kumuyita kye bazudde. Bw'ayita mu kakuŋŋunta ne bakizuula nga Muganda, ng'olwo ekika kyonna akizaalidde akabasa.

Okuzaalibwa mu lumu ku ndyo zaffe, Empisa, n'Olulimi, bigenda wala nnyo mu ku tufuula kye tuli. Tuteekwa okwagala n'okukuuma olulimi lwaffe. Bwe lunaatufaako, ng'olwo naffe twesse ffekka. Omuntu kasita akakasa Oluganda, ng'olwo ayitibwa Muganda ow'ekibogwe. Bamufubako nnyo okuyiga empisa, obuwangwa n'obulombolombo akkalire. Ekyokusaalirwa, osanga Omuganda ng'agalabanja, ayonoona Oluganda naawe n'osoberwa. Alwogera ng'alutabulamu ennimi endala bbiri oba ssatu kubanga azimanyi zonna. Ate Abaganda bennyini beebettira Olulimi lwabwe. Lumu mu 1981 natwala omwana afune ekifo mu P1 e Kittante, omusomesa ate nga Muganda n'aŋŋamba nti,''Omwana wo agudde Intaviyu. Ebirala byonna abiyise naye agudde Oluzungu afunye 48% . Bw'oba oyagala afune ekifo wano, kozesa omukozi atamanyi Luganda abaana bassobole okuyiga Oluzungu''. Naseka, ne ŋŋenda nga ndi munyiivu. Kyokka oluvannyuma nasanyuka Mwami Lujja Lwasa bwe yampa ekifo mu City Primary School. Abaana baffe ab'omulembe guno bayigirizibbwa bwe batyo nga tebakkirizibwa kwogera lulimi lwabwe, wadde okweyita ng'Abaganda. Kye tuvudde tubeera

n'abaana abatamanyi kusoma na kuwandiika Luganda, era nga tebaagala kubayita Baganda, wabula okubayita Bannayuganda. Era abaana abakuzibwa bwe batyo, tebamanya na miziro gye beddira. Ekintu kye tulina okutandikirawo okulwanyisa nga tuviira ddala mu maka gaffe, tuleme kuswaza baana baffe, naffe okweswaza nga tetumanyi kweyisa nga Baganda, wadde okumanya olulimi lwaffe olw'obuzaaliranwa, n'obulombolombo bwaffe.

Nsaba nga maliriza, omuntu yenna agenda ebweru, yeetegereze abantu b'omu nsi eyo, alabe engeri gye beeyisaamu wadde nga bagagga ffugge, alabe ensi eyo bwe

yatondebwa, abigeraageranye n'ebyaffe wano. Omuntu anaakola ekyo, tagenda kuddayo kusaba Katonda kintu kirala kyonna, wabula okumwebazanga bulijjo olw'ebyo byonna bye yatuweesa emikono ebiri n'omwoyo gumu, ate ffe bye tutalaba. Yatuwa ensi erina ettaka amakula. Yatuwa ebimera, ebibira, emmere, ebisolo, ebinyonyi, emigga, amazzi n'ebibeeramu byonna, by'otasanga walala. Yatuwa omusana ogw'ekigero, n'atobekamu enkuba nayo ey'ekigero. Ate bwe yatuuka ku ffe abantu, n'atuwa Olulimi, Obuwangwa n'Obulombolombo n'asukka. Byonna by'ayagala abantu bakole mu nsi, n'ebyo by'atayagala bakole, byonna yabitutondera mu musaayi gwaffe, nga birabikira mu mpisa zaffe, era tukula tubimanyi. Olaba n'okuwonga Abanda nga bakuma ekyoto ne bawonga ebisolo ebisinga obulungi mu kisibo, ng'eddiini bwe ziragira!(Kubala 6:13-27, 19:1-10, 28:1-4). Era n' okulagula eddiini ekumanyi, anti batugamba nti Omwoyo gwa Mukama gwakka ku bakadde 70 ne batandika okulagula (Kubala 11:25-26)!.

Abantu abalala bonna baamala kusoma bitabo bya ddiini, okutandika okweyisa ng'abantu, n'okukola Katonda by'ayagala. Bwe kiba nga kino kye bayita obugunjufu, ffe twasooka okubeera abagunjufu. Ekyokusaalirwa, ebyo byonna tubireka wali ne tuwaalalira ebitali byaffe, Katonda bye yawa abalala, ng'eno bwe tumusaba mbu atuwe ebirungi. Awo tolemwa kwewuunya n'okwesaasira okulemwa okulaba ebirungi Katonda bye yatugemulira. Katonda kye yava atunyiigira, emikisa gyaffe ne gikendeera. Okutereeza ebintu, nga tuzzeeyo ku butonde bwe yatuwa. Tusigale nga tuli ekyo Katonda kye yayagala tubeere. Olwo lw'anaategeera nga tumumanyi, tumusiima, tumwagala era tumussaamu ekitiibwa. Eddiini tezisaana kutwawulayawulamu, anti zajja buzzi ne zitusanga nga tuli omuntu omu. Ekirungi buli omu akimanyi nti wadde eddiini zitwawula, naye obuzaale, ŋamba omusaayi, n' amannya g'ekika, bitugatta ne tubeera omuntu omu mu kika, nga tuli wansi w'omukulu w'ekika, nga tetufuddeeyo ku ddiini gy'asoma. Eddiini tusaana tuzitwale nga bwe tukola mu bika byaffe. Buli kika kyagala kinnaakyo era bikolagana!.Tewali akwatirwa munne buggya olw'okubeera nti wa kika kirala.

Alitereeza ensi eno, alimala kuzzaawo bufuzi obw'ennono mu buli kitundu mwe bwali ng'Omuzungu tanajja. Obwo bwe bufuzi abantu bwe bategeera era bwe baagala. Olwo lwe tulimalawo okulwanira entebe. Era alimala kuzzaawo empisa, ennono n'obulombolombo ebikola obuwangwa bwaffe, Katonda bye yatuwa, ate ffe ne tubiwanyisaamu eby'abalala. Ate nga kimanyiddwa nti omuntu akozesa omukono ogwa ddyo, bw'akyusa n'akozesa omukono ogwa kkono, afuna obuzibu, oluusi n'okugaana



bigaana. Bwe kityo n'okyusa obuwangwa bigaana. Ebyo bye tugamba mbu okuziza kya Sitaani, obwo bubeera butmanya. Ekyokulabirako; *Kizira omulenzi okusitama ku kyoto, naddala enkoto*. Jjukira baabeera nga bwereere, ate nga bo abalenzi bakkirizibwa okusitama. Laba ebbugumu lyonna bwe limuggweeramu. Sayansi kati yakizuula nti ebbugumu bwe liyingira mu magi, nga gafa obutaddamu kuzaala. Y'ensonga entula kye ziva zikulira ebweru ziwone ebbugumu ly'omubiri. Ate ffe twambala obuwale bukapati ne twenyigiriza ku mubiri omuli ebbugumu ne tutafuna mpewo. Buli kya muzizo mu Buganda kirina ensonga lwaki kizira. Bw'oba tokimanyi leka kukifuula kya Sitaani, anti okuziza eyo ye Poliisi yaffe ekwasisa amateeka.

Katonda okutwawula n'atuwa ensi n'ensalo, obulombolombo, n'obuwangwa, yalina ekigendererwa. Ffenna nga tetweyawudde mu Ddiini ze tusoma, tufube obutakyusa butonde, Katonda yennyini ffenna gwe tusinza, bwe yatonda! Si bibira na nsenyi, na migga (ntobazi), nnyanja n'ebisolo byokka, wabula ne obw'abantu wonna mu Buganda n'ebweru. Eggwanga si lye liyingira mu ddiini wadde mu buyigirize. Eddiini n'obuyigirize bye biyingira mu Ggwanga. Awo e Ggwanga ne lisigala nga ggivu era essomi erimanyi Katonda. So si kukyusa Lulimi, Mpisa, Bulombolombo n'Obuwangwa olw'okusoma! Tukulaakulane nga tusigala nga bwe twatondebwa!.

**EBITABO EBYETAAGA OKUSOMA.**

Bassekabaka be Buganda, Sir. Apollo Kaggwa , 1912 Uganda Bookshop.
Empisa z'Abaganda, Sir Apollo Kaggwa, 1905 Uganda Bookshop.
Through The Dark Continent, Henry M. Stanley, 1899 London: George Newnes Ltd.7
The Baganda at Home, C. W. Hattersley, Frank Cass & Co. Ltd 1968.
Abaganda Ab'edda, Dr. A.N. Kimala 1995, Language Consultancy Bureau Makeerere Kagugube.
Okuwaŋŋangusibwa kwa Sir. Edward Muteesa II, David L.K. Lubogo, Uganda Publishing House 1972.
Federo is the way for us, Dr. A.N. Kimala, The New Vision Vol. 19, July 18, 1994.
Abaasimba Obuyisiraamu mu Buganda, Prince Alhaji Badru Kakungulu ne Dr. A.K.Kasozi, Equator Books 1977.
Ssekabaka Kintu ne Bassekabaka abaamusooka, Chelirenso E S Keebungero, Crane Publishers Ltd 1993.
Obugunjufu bw'Abaganda ng'Omuzungu tanajja, Kakomo I, Kiriggwajjo Anatoole, Kironde Agnes, Ekitongole ky'Eby'Ennimi mu Makeerere Yunivasite 1993.
Enkuluze y'Eddiini y'Abaganda ey'Ennono 1990, Ssaabakenkufu J.C. Ssekamwa.
Okwegatta ge Maanyi, J.M Mukasa, Ssaabawandiisi wa UMTU Kampala 1963.
Bbaffe ali ku ngulu (ekijjukizo ky'amadda ga Muteesa II), C. Kiggundu, Marianum Press, Kisubi 1961.
Muteesa of Uganda, MSM Kiwanuka. East African Literature Bureau 1967.
Desecration of my Kingdom, (King Freddie) The Kabaka of Buganda, Constable & Companny Ltd. London 1967.